

Minisita Coltilda Nakate (wakati)ng'asimbula Abasaakaate okugenda ku Hormisdallen Primary School e Gayaza ku nkomerero ya wiiki ewedde.

# Abaana 400 be bayingidde Ekisaakaate kya Nnaabagereka 2026

Bya DICKSON KULUMBA

EKISAAKAATE kya Nnaabagereka eky'omulundi ogwa 19 kitandikidde mu maanyi ng'abaana 400 abali wakati w'emyaka 4 ne 18 bakyetabyemu.

Kyatandise ku Lwakutaano nga January 2, 2026 ng'abaana baasimbuddwa okuva ku kitebe ky'Obwakabaka bwa Buganda e Mmengo okwolekera Hormisdallen Primary School e Gayaza mu ssaza ly'e Kyadondo gye kibumbujjira.

Minisita w'enkulaakulana y'abantu ba Buganda era avunaanyizibwa ku ofiisi ya Nnaabagereka, Coltilda Nakate Kikomeko yategeezeezza ng'abaana bwe bagenda okutendekebwa mu bintu bingi okuli okwesalirawo n'okuyimirira ku nsonga enkulu mu bulamu.

"Twagala okufuna abaana nga bamalirivu mu byonna bye bakola. Kintu kikulu nnyo kubanga ensi gye tutambuliramu yeetaaga okuba ng'otendekeddwa bulungi mu buntubulamu n'omanya okwesalirawo okutuufu n'oba nga toyuugayuuga naddala mu myaka egyo emito gye balimu," Nakate bwe yagambye.

Minisita Nakate yeebazizza Nnaabagereka olwa kaweefube w'okukuliza eggwanga lino abaana abatendekeddwa obulungi mu mbeera y'ensi naddala obuntubulamu.

Ekisaakaate kino kitambulira wansi w'omulamwa ogugamba nti "Ensibuko y'Obumalirivu: Okweyamba obuntubulamu mu kutebenkeza obwongo," nga kyakukomekkerezebwa nga January 10, 2026.

Kalungi Kabuye avunaanyizibwa ku nkolagana ya National Drug Authority n'ebitongole ebirala nga be bamu ku bavujjirira Ekisaakaate kino agambye nti ekyabakwataganya n'Ekisaakaate kino kwe kulaba ng'eggwanga lifuna abaana abatakoseddwa bulabe bwa biragalalagala.

Kabuye yagambye nti wadde bagenda kusomesa abaana ebintu bino naye bwe badda awaka, yasabye nti abazadde basaanye okugenda mu maaso n'okubalondoola mu byonna bye bakola, baleme kubyenyigiramu.

Ssaabagunjuzi w'Ekisaakaate, Dr. Rashid Lukwago yagambye nti abato bangi bazuuliddwa nga batawaanyizibwa bingi mu nsonga y'obwongo.

Mu kutendekebwa kuno, Dr. Lukwago yayongeddeko nti bagenda kubawa emisomo egibateekateeka okwanganga ebizibu by'obwongo ate n'okufuna obusobozi okukola okuzasanguza n'okubyogerako.

Aba Hormisdallen baalaze essanyu olw'okuweebwa omukisa guno okuddamu okukyaza Abasaakaate nga baasembye okubeera nabo mu 2024.

Akulira emirimu mu Nnaabagereka Development Foundation, Adrian Mukiibi yategezezza ng'Ekisaakaate bwe kikolebwa mu biti bisatu nga waliwo ekitandika omwaka kye bayita ekya Gatonnya nga kino kye kigenda mu maaso, waliwo ekibeera wakati w'omwaka nga kyetabwamu abayizi okuva mu masomero agali ku mutendera gw'ensi yonna (International Schools) ate n'ekirala ekitegekebwa mu masaza ng'ekyasembyeyo kyabadde Buddu omwezi oguwedde.